**01st May 2016.**

## OKUJJUKIRWA MUKAMA KATONDA WAFFE.

**Lubereberye 8.**

Wali owuliddeko ng'eyerabiddwa Mukama? Oba mu ffe abebuuza "ehh tukyaali mu Mataba ga Nuuwa Sabbiiti ey'okuna? Ate ye no yagalimu n'ensolo zonna, nga teweerabidde bak'abaana basatu okumala omwaaka mulamba n'emyezi ebiri….. Abamu tumulindiridde emyaka n'ebisiibo atusaasire atuwanguze embeera ezitali zimu;- Obufumbo, Ezadde, Emirimu, Ensimbi, bingi nnyo, naye nga kiringa Malayika amukwaasa failo yaffe yamubulako….!
Kyokka nga Mukama kkenyini agamba mu Isaaya 49:14 – 16 nti……...
Kyenva njagala enzivunnula ya "The Living Bible" egamba mu 8:1 nti "Mukama teyeerabira Nuuwa awamu n'ensolo zonna mu lyaato….."

Mukama "bwajjukira" nga bwe kigambwa mu Baibuli, nga bwe tulaba mu Lub.19:29 ; Yajjukira Ibulayimu n'awonya Luuti okuva e Sodomu.
Lub. 30 ; Nti yajjukira Laakeeli n'amusumulula okuzaala….
Kuva 2 ; Nti yajjukira endagaano ye ne Ibulayimu n'awulira okukaaba kwa Isiraeri mu Misiri n'abakolera okuggyibwaayo.
Lukka 2 ; Maliya nnyinna wa Yesu bwe yagamba nti Mukama yajjukira okasaasira Isiraeri mu lnny.54.
Ne mu Lukka 23:42; Omubbi bwe yasaba Yesu amujjukire ng'atuuse mu bwakabaka bwe…
Tekiba nti aba yeerabidde, oba ng'ekimubuuse mu bwongo ne kidda, oba ng'abadde n'ebyokkola bingi nnyo, nakyo n'akijjukira, wabula kiba nti entuuko z'okuteeka mu nkola ebisuubizo bye oba okuteesa kw'okwagala kwe lwe zibaawo, ne tulaba ekisa kye mu nkola gyetuli.
N'olw'ekyo nga bwe tulaba mu ssuula eno ey'omunaana, Mukama mu bw'esimbu bwe bwatuyitiramu(comes thru for us), naffe mu kukkiriza kwaffe kitugwaanira okumujjukiranga. Nga Nuuwa bw'atuwa eby'okulabirako.

Mu ngeri ssatu tulaba obujjukize bwa Mukama gyetuli nga bwe gwaali eri Nuuwa, ng'obukakafu nti aba tatweerabidde;-

- Bwe tweetegereza obulokozi bwe obwedda gyetuli, oba eddako oba ssi dda nnyo. Nti nga bwe yakolera Nuuwa amagezi n'obusobozi okuwona amataba, naffe bwatulokola, ssi ku lwaffe nga Abaefeso 2:8 bwe lugamba "Mwalokolebwa lwa Kisa olw'okukkiriza. Tekwava mu mmwe, wabula kirabo kya Katonda."……..Bonna abali mu Kristo balokoleddwa oba bakyewulira oba tebakyewulira.

  Omusajja lumu yatuukirira D.L.Moody nga atya kubanga teyawulira ng'alokolebbwa Mukama! Moody n'amubuuza oba Nuuwa yalokolebwa okuva mu Mataba? Ko ye nti bwekyaali. Namubuuza nti yalokolebwa kuba yewulira nti alokolebbwa oba kuba yali mu lyaato? N'olw'ekyo kakasa bukakasa nti oli mu lyaato – Kristo, nga bwe yafuba okutulagira mu Yok.15.

- Eky'okubiri, obujjukize bwa Mukama bulabwa gyetuli mu bukuumi bwe obw'obuliwo gyetuli. Nti nga bwe yasobola okkuuma Nuuwa ebiro byonna ebyenkuba nga bwe twaalaba luli, n'okukya kwaayo, okutuusiza ddala bwe yamulagira okufuluma mu lyaato. Bwaatyo naffe atukuuma mu mbeera zonna zetubaamu netutamalwaawo, olw'ekisa kye ekituyisa mu buli lunaku nga bwe twasanguza nti kiba kiggya buli makya (Kkungubaga 3:22 – 26…

- Eky'okusatu, , obujjukize bwa Mukama bulabwa gyetuli mu bugabirizi bwe bwonna gyetuli (lnny. 22). Mukama yali yateekerateekera bulungi Nuuwa na bonna na byonna ebyaali ku lyaato, era n'ateekateekera n'obweetaavu bw'okusaddaaka kwe bwe yali ng'ayingira mu lyaato (7:2,3). Kyava atugamba obutassa ssira ku bintu wabula ku bwakabaka bwe n'obutuukirivu (Matt. 6: 25 -34).

Naffe nno bwekityo kitugwaanira okujjukiranga Mukama, kubanga ate ffe tweetaaga nnyo okujjukira kubanga mu butuufu tuli beerabize.

- Tujjukira Mukama bwe tuba abawulize gyaali mu byonna ne tukola byonna byatwaagaza. Nga bwe gwaali eri Nuuwa.
- Tujjukira Mukama bwe tumulindirira n'obugumiikirize okutuusa ku ntuuko z'okwagala kwe okkolwa gyetuli. (Oba yabiyinza ate lwaki tumuyamba? Lwaki tweelariikirira) Kitweetaagisa okumweesiga mu kwagala. Kitwala

akaseera. Obuwulize gyaali mu biro by'okumulindirira bwe bukakafu nti ddala tunaakola nga bwatwaagaza ng'atuggyidde.

- Ekirala tujjukira Mukama bwe tumuwa sssaddaaka ez'okweebaza n'okusinza erinnya Lye. Nga Nuuwa bwe yakola.(lnny.20). Nuuwa nkiwa yamanya nti kyaali kisa kya Mukama gyaali okulokolebwa, okuwayo ssaddaaka y'ekyokebwa nga Baleevi 10 bwe zalagira….
- N'ekisembayo, tujjukira Mukama nga bwe twalagirwa Yesu Kristo, okulya n'okunywa ku mmeeza ye nga bwe gwaali mu Lukka 22:19,20. Paulo bwagamba mu I Kkol. 11:23 -26 nti……..

Essuula 8, etuwa entandikwa empya,(8) osanga abaakikola ebe ey'omunaana tebaakigenderera, naye erina enfaananyirizo ne Lub.1:2 "Nti Omwooyo = empewo, yayita ku Mazzi = Ekigambo, ensi n'etondwa…….

Na bwekityo Mukama yalina okuba nti yakiteekateeka tuwulire obubaka buno leero, olusooka omweezi, ate ssabbiiti esooka mu mwezi kwe tutera okusembera ku mmeeza yye, nga nkiwa Omwooyo wa Mukama anaaba ku Kigambo kye ottufunyisa entandikwa empya mu linnya lya Yesu Kristo.

Atannakkiriza mu Yesu Kristo kano ke kaseera mwe weewerayo ddala gyaali olokolebwe obe mukkiriza mu Yye, naffe okakasa nti tuli mu Yye naye mu ffe olw'okwagala kwe n'ekisa kye ebiyitirivu eby'enkalakkalira.

Mukama atusaasire.